**Enkola ezokugoberera nga weyawudeko gwe ne Yesu, Okuyiga engeri eyokukwatamu n'okuteeka mu nkola ebiragiro bye.**

Yesu ayita abayigirizwabe okuberanga naye. Ekisinga mubyona kyetutekedwa okukola kwekumalanga akaseera ne Yesu awoono tulyoke tusobolenga okuwuliriza nga eddoboozi lye n'okumugoberera nga. Sinsonga oba akaseera ako kayitibwa- okweyawulako, okwewayo, akaseerako gwe sekinomu, akasenge ak'okuwuliriza ngamu, akasenge akomunda, oba kyonna kyewandikiyise. Ekikulu mubyona kwekufunangayo akaseera akenjawulo gwe ne Yesu. Nga abantu bwetwetagga empewo okussa, amazzi ne mmere okusobola okubeera abalamu buli lukya, ne Yesu bwatyo bwali gyetuli empewo ey'omwoyo, amazzi ag'omwoyo ne mmere ey'omwoyo. Akaseera ketumala ffeka ne Yesu kekasingayo obukulu era n'omugaso mulunaku.

**Kyekiri:**

- Nga weyawuddeko mu kifo ekyenjawulo gwe ne Yesu.
- Akaseera mu buli lunaku kolonze era nga oyawudde eri Yesu n'ekigambo kye
- Okwewayo awatali bikubuzabuza
- Ekikorwa eky'omwoyo nga kisibuka mu mutima n'omwoyo
- Ekyomugaso ekisingayo
- Obugonvu/Okugonda, Ekikyukakyuka, Ekirimu obulamu, Ekitakakibwa
- Okusinza, Okusaba
- Okuwuliriza n'okwogera, okuwuliziganya wakati wa yesu nawe.
- Okusaba, Okunonya, Okukonkona
- Enkolagana ey'omukwano wakati wa Yesu ne mukwano gwe owokulusegere-Gwe

**Endowooza:**

- Akaseera kemala nze ne Yesu kyekikulu mubyona
- Singa sifisawo kadde, sirifuna kadde
- Bwemba nga sifunayo budde bwemalako ne Yesu buli lunaku, kitegeza sirina budde yadde.

- Njakuwayo eri Yesu obudde bwange obusingayo-Gyendi nga bwendabye
- Nakolonga byona byagamba awatali kwemulugunya oba okwesikamu
- Netaagga okulungamya kw'omwoyo omutukuvu ndyoke nsobole okufuna okumanya mu mwoyo gwange sosi n'amagezi ag'obuntu
- Natuulanga nempuliriza nobwegendereza eri eddoboozi lye nokulungamyakwe
- Nasinzanga katonda mu mwoyo ne mumazima

**Kyekitari:**

- Ekyeyagalire oba ekyakaseera obuseera
- Okwetendeka bayiburi
- Okugezesa okutegeera kwaffe n'okumanya
- Ekikalambadde, Ekitassetuka, Ekitanyuma, Ekikwate
- Akaseera akateketeke, olunaku oba ekifo ekimu ekirondedwa nga kyalubeerera
- Ekitekebwa kulukalala lw'ebyo byolina okukola

Bino wamanga byebimu kwebyo byoyinza okukola wakati mu kaseerako gwe ne Yesu. Tebitekedwa kubeera mateeka, emitendera oba enkola etekedwawo eyokugobererwa naye wabula zezimu kungeri era ebiteeso ebiyinza okukuyambako okuffukira dala omuyigirizwa asinza katonda mu mazima era ateeka munkola ekigambo kye, ayekuuma ebiragiro bye era nga siyoyo awulira obuwulizi ekigambo oba omukunganya obukunganya owamagezi.

**Okusinza**

- Okusinza tekitegeza nyimba oba okuyimba-kuno kubeera kuvunama okweyala mumaaso ga katonda, otekeddwa okumukiriza nti yekabaka wabakabaka.
- Okuvunama(ezitali nyimba oba okuyimba) yengeri gye basinzangamu mu ngadagaano enkadde n'empya
- Beera mukakamu mumaso ga kabaka waba kabaka era oteeke omutima gwo n'ebirowoozo byo kuye.

- Saba Omwoyo Omutukuvu ateketeke omutima gwo n'ebirowoozo byo okusobola okwaniriza n'okutwala ekigambo kye ekyolunaku olwo.

**Ebiragiro**

- Soma ekiragiro oba ekyawandikibwa nga bwekiri. Soka okisome era odemu okukisoma nga okigerageranya kumbeera- Yesu ayogeera nebaani, ani omulala gwali naye nga ayogeera, ani ataliwo nga ayogeera, mbeeraki mwayogerera bino.
- Wegezesengamu nga okiwandika(ekyawandikibwa) n'okukyogeeranga osobole okukikwata era nga osobola n'okukyatula. Abantu abamu bakozesa akakodyo kokukimumunyanga mukayimba. Beera nga mwetegefu okukyatulanga buli bwemusisinkana mu DNA n'emikwanojo
- Wekenenyenga ebigambo ebikulu, nadala emitwe gy'ebiragiro
- Ekiragiro bwekibanga kyawandikibwa mu njiri(ebitabo) ezenjawulo,otekedwa okusoma nemubitabo ebyo osobole okufuna okumanya okusingawo nga kugaziiko
- Otekeddwa n'okusomanga enzivunula za bayibuli ezenjawulo okusobola okutangazibwa obulungi
- Otekedwa okusaba Omwoyo Omutukuvu akubikulire kyayagala gwe okole okusinzira kukyawandikibwa oba ekiragiro ekyo era n'okukitekanga munkola
- Kozesanga ebibuuzo ebitekedwa mu biragiro n'emboozi eby'omwezi ogwo osobole okufuna okubikulirwa okwebuziba. Oyinzanga okukozesa ekibuuzo kimu buli lunaku
- Saba Omwoyo Omutukuvu akulungamye kwekyo ye kyayagala gwe oseeko esira kulunaku olwo nga weyawudeko
- Funayo n'ekitabo kyowandikamu okubikulirwa kwofunye, era na butya bwonasa munkola ebiragiro bya Yesu

**Emboozi:**

- Emboozi eteekedwa okusomwa negwayo lwemusisinkanye
- Mutegeere embeera emboozi mweyandikiibwa-mugisome omulundi ogusooka era mudemu mugisome neera musobole okumanya n'abantu abakulu mu mboozi era dala kiki ekigenda mumaso
- Wetendeke okunyumya emboozi eno kisobole okukwanguyira bwonasisinkananga banno mu DNA okugibanyumiza
- Funayo ensonga enkulu mumboozi oziwandiike oba funza emboozi
- Fumitiriza nyo kungeri ekiragiro n'emboozi bwebikwataganamu

**Enyongereza singa zibaako**

- Zino otekedwa okuzisomanga oluvanyuma lw'ebiragiro n'emboozi nga biwedde
- Otekedwa okusomanga enyongereza zino emu emu buli lunaku
- Wekenenye nyo engeri enyongereza zino bwezigaziyamu oba okwongerako ku biragiro
- Oyinayo enyongereza endala zewandigaseko ku kiragiro okusobola okwongera okukinyweza?

**Nga otunudde wagulu**-nywerera ku Yesu, sinza, beeranga n'okwagala, okwesigama, okubeeranga muye

**Nga otunudde munda**-wuliriza nyo Omwoyo Omutukuvu kiki kyayagala okukugamba oba okukola mugwe-omutima gwo, endowoozayo, okufumitirizako. Wenenye nga bwayogera gyoli era londayo ensonga enkulu zewandiyagadde okwenenyezamu

**Nga otunulidde wabweru**-Kiki dala ekyo Yesu kyeyandiyagadde gwe okole nga oli eyo n'abantu abalala nga teweyawuddeko, Mu DNA, Munkungana ze Kkanisa, Eri mulirwanawo (nga bayibuli bwemwogerako so si oyo akuliranye yekka), Nga ab'omunyumbayo, bokola nabo kumulimu n'emikwano?

**Ebikozesebwa okuyiga:**
**Biblehub.com**-okusobola okwongera okunyonyoka amakulu g'ebigambo

n’ensibuko muluyonaani, osobola n’okusoma ku nzivunura za bayibuli ezenjawulo.

**Commentaries**- okusobola okufuna okunyonyolwa okusingako ku bigambo ebikalubo. Naye tojesigamako nyo okufuna okutegeera, tewerabira nti Omwoyo Omutukuvu yemusomesa waffe omukulu era yatulungamya eri amazima agenkomeredde.